# Obutabanguko mu maka butadde ab'e Kawempe ku bunkenke

Bya MOSES LEMISA

OBUTABANGUKO obweyongera buli lunaku butadde Bannakawempe ku bunkenke, anti bututte obulamu bw'abamu ku bazadde n'abaana, ate abalala ne basigaza obulemu!

## *Abantu kye bagamba*



**Yunus Mpanga: Obutabanguko mu maka bweyongedde si mu kawempe wokka naye buli wamu. Abafumbo buli omu akola by'ayagala. Eno e Kawempe abakazi bakonkona abasajja amatumbibudde nga bava okucakala.**



**Hellen Birungi: Obutabanguko bukoze ky'amaanyi okusaanyaawo obulamu bw'abatu ate abalala ne basigaza ebisago. Abafumbo bakimanye nti ku babiri kulina okubaako afuuka omusiru ne batayombagana.**



**Aloysious Muwonge: Gavumenti eteekewo emisomo okusomesa Bannayuganda engeri gye bayinza okwewalamu obutabanguko mu maka. N'abazadde mukomye okumalira obusungu ku baana.**

Wabula Bannakawempe bagamba nti, obutabanguko buno okweyongera, okusinga kivudde ku kusuula nnono.

Omutuuze Jane Nakakaawa ow'e Nammere yagambye nti, obwavu n'ebiragalalagala bikoze ky'amaanyi okwongera obutabanguko mu maka kubanga abamu ku batulugunya abaana, be bazadde baabwe bennyini.

Abakulembeze ba LC nabo baategeezezza nti, obutabanguko mu maka bweyongedde mu Kawempe era mangi gasasise. Ne bagattako nti, kino kye kivuddeko n'abaana abali ku nguudo okweyongera kuba tewali abakuba ku mukono. Era nti, abaana abeenyigira mu bumenyi bw'amateeka beeyongedde ate abalala bakola emirimu egitagya mu myaka gyabwe omuli okulonda obucupa n'emirala.

Meeya wa Kawempe, Emmanuel Sserunjogi yagambye nti ekisinze okuvaako obutabanguko, be bantu okusuula ennono kuba edda omusajja yaweebwanga ekitiibwa mu maka kuba ye yabeeranga nnamuziga era nga y'alabirira abantu be. N'agamba nti, ensangi zino abakazi bakola nnyo ne baba ne ssente okusinga babbaabwe ate abasajja abamu baafuuka bassemugayaavu nga tebakyalabirira bantu ba mu maka gaabwe.

Ekivaamu, ye mukyala okutandika okuyisaamu bba amaaso era nga takyafugika, gye biggweera nga bali mu kuyomba na kulwana! Yagasseeko nti, n'abantu basudde eddiini ng'oli akola ekintu nga tafuddeeyo ku kiddako.

Era yagambye nti, abantu okukoppa enneeyisa y'Abazungu ne basuula empisa zaffe ez'edda nakyo kyongera kaamulali mu bbwa, anti kati abakazi abamu tebakyatuukiriza buvunaanyizibwa bwabwe nga okufumba, okulongoosa awaka, okulabirira abaana, ebivaamu oluyombo mu maka.

Yagasseeko nti n'obwavu bukoze kinene kuba mu Kawempe obutabanguko businga mu maka ga bamufunampola nga businga mu Katanga, Bwaise, Kaleerwe, Kanyanya, Kazo Angola n'awalala.


Era yagambye nti, okuva lwe baagoba abantu ku nguudo, obutabanguko bweyongedde kuba abasajja abamu kati basiiba waka era we buzibira nga bafunyeeyo ekibatabula ne bakola ensasagge.

Omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Rachael Kawala yategeezezza nti, kituufu obutabanguko weebuli naye olumu ensonga teziroopebwa ku poliisi. N'agamba nti, abasajja be basinga okutulugunyizibwa bakyala baabwe naye batya okugenda ku poliisi nti bajja kuswala!

Yagasseeko nti, bakola ekisoboka okusomesa abantu okwewala obutabanguko mu maka nga bayita mu kitongole kyabwe ekikola ku butabanguko mu maka.

Era yategeezezza nti, abaana abataayaaya beeyongedde ng'obuzibu buva ku bazadde kwawukana. N'agamba nti, abantu balina okukimanya nti poliisi tesobola kutuuka mu maka gaabwe kumanya biriyo okuggyako nga bo beesitudde ne bagenda ku poliisi ne baloopera emisango gino.

MOSES LEMISA



Ono omwana baamwokezza gye buvuddeko.